ESSAALA Y'ABAAMI ABAKATOLIKI ERI YOZEFU MUKASA BALIKUDDAEMBE OMUJULIZI OMUTUUKIRIVU

Ayi Yozefu Mukasa Balikuddembe Omujulizi Omutuukirivu, Ggwe omuwolereza waffe, ffe abaami abakatoliki, tukuwanjagira otusabire tubeere bulijjo bajulirwa ba Kristu, nga tugoberera by'atuyigiriza, bwe tutyo, mu bigambo byaffe ne bikolwa byaffe tubeerere ddala kitangala na munnyo gwa nsi, eri ab'omu maka gaffe n'abantu bonna be tubeera nabo wonna.

Nga tukulabirako, tuyambe naffe tusobole okulaga ensi ng'abagoberezi ba Kristu abannamaddala bwe basaanidde okuyisa.

Ebibala ebiva mu ntuuyo zaffe bituyambe bulijjo okwekulaakulanya, tusobole okuyimirizaawo obulungi amaka gaffe, Eklezia n'Eggwanga lyaffe, ng'Omutonzi bw'atwagaza, nga tusimbye ku Vanjili ya Kristu.

Ggwe nno Yozefu Mukasa Balikuddembe, enneema ya Katonda gwe yafuula omuzira era omuwanguzi, tukuwanjagira otusabire, naffe tweyongerenga okwagala katonda ne banaffe.

Tuyambe mu mpisa zaffe bulijjo okulumirwanga bannaffe nga tuyambagana nga tukolera wamu.

Tuwolereze, tukuyigireko obuvumu, bulijjo nga tukolerera obwenkanya n'eddembe, okusonyiwagana n'okutabaganya bannaffe nga ggwe wennyini bwe wakolanga.

Tukwegayiridde, otutuusize bye tusaba eri Mukama waffe Yezu Kristu awangaala n'alamula emirembe n'emirembe .

AMIINA

Ayi Maria Nnyaffe, Nnamasole w'Abajulizi, otusabire.
Abajulizi abatuukirivu ab'omu Uganda, mutusabire.

Imprimatur:

Emmanuel Cardinal Wamala,
Archbishop of Kampala.
28th April 1996.